bwe lwava awo ne luyisa ekiteeso ekirala nga lugoba Ababaka mu lwo kkumi na musanvu (17) kubanga beetaba mu kulonda kwa National Assembly. Mu baagobwa mwalimu baminisita ba Buganda 2 n'Abamasaza 2. Okugoba ba membe 17 nga tebamaze na kuwozesebwa kwaleeta ensasagge n'akayuuguumo kanene nnyo mu Lukiiko. Ekyavaamu be bamu ku bamemba abaagobwa okugenda mu kooti ne bawawabira Speaker w'Olukiiko annyonnyole ensonga entuufu ezabagobya. Newankubadde nga Kabaka yali takyasuubirwa kubeera mu lwokano lwa byabufuzi, naye bwe yalaba ng'olukiiko luli mu muvuyo bwe gutyo, ne yesowolayo okutaasa gavumenti n'abantu baleme kudda mu kuneneŋŋana bokka na bokka. Kabaka yawandiika ekiwandiiko n'alagira Omuwandiisi we Ow'ekyaama, C.M.S. Mukasa akisomere ab'amawulire. Kabaka yawa amagezi nti abakiise b'olukiiko abaali bayimriziddwa basaana okukomawo mu lukiiko amangu n'embiro n'emisango egyali giwaabiddwa Speaker E.M.Kalule, gigibweyo mu kooti. Kabaka yategeeza nga bwe yali omweralikirivu ennyo okulaba entabagana ennungi eyalingawo mu bantu ng'egenda eggwaawo buggwi. Bwatyo yakubiriza abantu bonna okukomya omuze ogw'okuyombayomba ogusobola okubanafuya ng'eggwanga.

Kya bulijjo Kabaka okwogera abantu be ne bamuwulira era ne ku luno bwe gwaali. Bo mikwano gya Buganda nabo baagezaako okubaako ne kye bakola okutereeza embera. Mu bano mwalimu Dr. Geoffrey Fisher, Archbishop we Canterbury eyali akyaddeko mu Uganda mu mwezi gwa April 1961 era eyakola ennyo mu kukomyawo Muteesa okuva mu buwaŋŋanguse mu 1955. Yagenda e Mengo n'alaba Kabaka era n e Baminisita be. We yakyalira mu Buganda yasanga Olukiiko lwayisa dda ekiteeso nga lwesigaliza obuyinza okusalawo oba nga lugendanga kukkiriza amateeka aganaateekebwanga National Assembly nga lwongeddeko n'okusaba gavumenti ya Uganda eggyibwe ku ttaka lya Buganda etwalibwe mu province endala. Dr.Fisher yakolokota nnyo engeri eby'obufuzi bwa Buganda gye byali biddukanyizibwamu mu nsangi ezo. Yabakalaatira baleme kugugubira ku bya Buganda okweyawula ku Uganda era n'abawa amagezi okwetaba mu nteeseganya zonna eziribaawo ne Bungereza ku by'okukuza obufuzi bwa Uganda era ne Buganda. Era awo eby'obufuzi we byali bituuse akakiiko ka Lord Munster okutuula okubuuliriza n'okuwa amagezi ku ngeri ya Gavumenti



esaanira Uganda era n'enkolagana esaanira okubaawo wakati wa Gavumenti Enkuumi, Obwakabaka n'obufuzi obulala ebyali mu Uganda.

Gavumenti ya Queen yali ng'eyazuukuka obuzuukusi mu tulo n'eraba ng'esaanidde okuwa abantu ba Uganda obwetwaza bwabwe amangu okusinga bwe yali erowoozezza emabegako. Yamala kutegeera nti Uganda okugiwa okwefuga, basaana kumala kugiyisa bulungi mu mitendera nga tennakwasibwa kwefuga mu ngeri y'okupapirira. Naye muli yali nga egamba abasajja baayo nti: ***"Mwanguye Banna-Uganda mubalage engeri entuufu ey'okufugiramu ensi yaabwe, tubakwase obuyinza bwabwe obw'okwefuga. Ebyo ebiriba nga ebitateredde, balibyetereereza oluvannyuma".***

Emitendera gye baalina okuyisaamu Uganda nga tennatuuka ku kwefuga gye gino:

- Legico baalaba nga bateekwa baluteeke ku nkola eya demokulasi ng'ababaka abalondebwa obutereevu abantu, be basingamu obungi,
- N'olukiiko lwa Buganda olwatuulangamu abaami bokka nalwo lukyusibwe. Ababaka b'abantu be baba basingamu obungi.
- Uganda okugiyisa mu kiseera ekiyitibwa Gavumenti ey'omunda (Internal Self Government) baleke nga yeefugira wamu mu Gavumenti ey'Ekipooli (Unitary Government).

Gavumenti Enkuumi bwe yalaba ng'okwefuga kwa Uganda kugikutte mavumbavumba, n'esaba Gavumenti ya Bungereza erondewo obukiiko obw'okugiwa amagezi ku bya Uganda Eyeefuga nga bw'eriba. Naddala ku by'Enkolagana wakati wa Gavumenti zombi eya Uganda n'eya Buganda ssaako n'Enkiiko ezaalingawo era okwongera okuteesa ku bya Konsitityuson. Ezimu ku nkiiko ezaaliwo nga Uganda esemberera okwefuga ze zino:

- Constitutional Committee, akaakola lipoota eyitibwa eya Wild, (The Wild Report 1959. )
- Uganda Relationships Commission, akaakola lipoota eyitibwa, (The Munster Report 1961. )

- The Uganda Constitutional Conference, eyali mu London mu October 1961.
- The Uganda Independence Conference, eyaliwo mu London mu June 1962.

Akakiiko ka Munster (March – June 1961) ke kaasinga okwogera Buganda by'ewulira eby'okugiwa enfuga eya Federo. Ebyateekebwa mu Ndagaano ya Buganda eya 1961 byava mu lipoota ya Lord Munster, era lipoota eyo Abaganda ye yabaggyamu ekorowoozo ky'okwesala ku Uganda ne bakkiriza okugendera awamu ne bannaabwe kuba yawa amagezi Gavumenti ya Bungereza ewe Buganda obweyamo obukakasa nti tegenda kukakaatika federesoni ku Buganda wabula nga n'olukiiko lwa Buganda lwennyini lumaze kugikkiriza. Abaganda ne balyoka bagamba nti "***Kale ka tugendere awo***". Ekyo ne bakikomya ne basigalira kukaayana ku birala bye baali batannafuna. Anti bagamba nti ***"Empaka ennemeremu zikubya mukyawe", era nti "Ennyama entono okaayana eri mu nkwawa!"***

## ENDAGAANO YA BUGANDA 1961

Endagaano ya Buganda eya 1961 ye yadibya endala zonna Buganda ze yali yaakakola ne Gavumenti ya Queen. Mu October 1961 Gavumenti yateekawo Olukiiko olulala mu London okwongera okuteesa ku by'ameefuga ga Uganda yonna. Kabaka ne Baminisita be kye baava nate bakwata ebiwandiiko byabwe ne bagenda beetaba mu luteesa olunene olwaliwo mu London,olwamanyibwa nga "***Uganda Constitutional Conference***" olwali mu Marlborough House. Olukiiko luno lwali lukulu nnyo kubanga ebitundu byonna ebya Uganda byatuma Ababaka baabyo okubyogerera era n'okuteesa kwali kwa bbugumu nnyo. Anti bwe baamala okulaba ng'Omungereza ali kumpi kuggyamu enta, olwo nga buli kitundu kisika kizza wakyo. Ebya Buganda ebisinga byali bigenze bulungi mu kuteesa kuno kubanga Gavumenti ya Buganda yaweebwa obuyinza bungi mu Ndagaano eya 1961 okusinga ne bwe kyali mu Ndagaano eya 1955. Naye ebyaleeta ensasage ennene mu kuteesa bye bino:-



1. ***Buganda ng'eyagala Olukiiko olukulu lwe lubanga lulonda Ababaka baayo 21 ab'okutuulanga mu National Assembly, sso ssi kulondebwa butereevu.***

Benedicto Kiwanuka yakiwakanya nnyo ekya Buganda okuweebwa enkizo eno n'atuuka n'okwagala okuva mu kuteesa singa ensonga eno enekkirizibwa. Engeri Benedicto Kiwanuka gye yawakanyamu ebya Buganda mu kuteesa kuno, yeennyamiza nnyo Abaganda. Teyakoma ku bya nnonda y'Ababaka ba Assembly yokka naye n'ekya Buganda okuweebwa "High Court" eyaayo entongole nakyo yakiwakanyiza ddala. Essuubi Abaganda lye baamulinamu awo we lyatandikira okukendeera. Kubanga baali beesunga nnyo nti Kiwanuka nga bw'ayiseemu n'afuuka Prime Minister wa Uganda asoose, ne Buganda ejja kuyitamu bulungi. Naye baagenda okulaba mu Lukiiko olwo nga Buganda tagiwagidde bulungi. Kyokka oluvannyuma kyakkirizibwa nti abakiise ba Buganda ku National Assembly, banaalondebwa butereevu mu Buganda, naye nti Olukiiko olukulu lwo lunaayinzanga okubalonda bwe lunaabanga kye lusiimye okukola.

2. Ekyokubiri ge masaza Bugaya ne Bugangazzi, agaayitibwa "Amasaza agaabula" Bunyoro ge yali ekaayanira gazzibweyo mu Bukama bw'e Bunyoro. Ensonga eno ey'amasaza yo ku olwo teyasalibwa n'erinda okumalirizibwa mu nkiiko eziriddirira.

Omukulembeze w'ababaka ba Buganda, Michael Kintu, yali agaanyi okussa omukono gwe ku byali bikkiriziganyizibbwako nga ebisinga yali tabisiimye okutuusa Kabaka yennyini lwe yamulagira abikkirize ku lw'obulungi bwa Uganda yonna

## BUGANDA BYE YAFUNA MU NDAGAANO EYA 1961

1. Buganda okwegatta n'ebitundu bya Uganda ebirala mu ngeri ya federo.

2. Buganda okusigala ng'efugibwa Ssaabasajja Kabaka wa Buganda era nga ku mikolo emitongole anaakubirwa emisinde gy'emizinga 15.

3. Kabaka wa Buganda okulondebwanga nga bwe kyalinga edda ng'ava mu b'olulyo lw'Eŋŋoma ya Buganda. Kabaka okutwalanga ekifo ekisooka mu bantu bonna ab'omu Buganda okuggyako Queen oba Omubaka wa Queen (wabula omubaka wa Queen bw'anaabanga ku mikolo egikwata ku Buganda yokka, awo taabalibwenga kuba mukulu kusinga Kabaka).

4. Akakiiko ka Lord Munster, Abamasaza n'Ababaka ba Kabaka 6 mu lukiiko lwa Buganda kaali kabaggyeemu nti abakiise bonna ab'Olukiiko lwa Buganda banaalondebwanga butereevu abantu wonna mu Buganda. Naye bwe baali mu Constitutional Conference eya 1961, aba Buganda ekyo ne bakigaana. Mu ndagaano eya 1961 Olukiiko lwategekebwa bwe luti:-

| | |
|---|---|
| Abakiise abalondebwa obutereevu | 68 |
| Ababaka ba Kabaka | 6 |
| Abamasaza | 20 |
| Baminisita | 6 |
| Bonna | 100 |

5. Buganda yakkirizibwa Abakiise 24 mu Ntional Assembly. Ku abo, basatu nga ba kuva mu kibuga Kampala, nga banaalondebwanga butereevu, naye ng'Olukiiko lunaayinzanga okulondebwa bwe lunaabanga kye luteesezza okulola.

## OBUYINZA OBUTEEKA AMATEEKA

Mu consitityuson ya Buganda eya 1961 obuyinza obuteeka amateeka mu Buganda bwayawulamu ebitundu bisatu:-



(a) Olukiiko lwa Uganda oluteeka amateeka lunaabanga n'obuyinza ku nsonga ezikwata ku nsi z''ebweru; okukomyawo ababa bazzizza emisango ne baddukira mu nsi z'ebweru; ebya passports ne visas, eby'amagye, ne poliisi, eby'amateeka n'ebirala.

(b) Olukiiko lwa Buganda lwe lunaabanga n'obuyinza ku buyinza bwa Kabaka n'obuvunaanyizibwa bw'emirimu gye, ebifa ku Baminisita, eby'abakozi ba Gavumenti ya Buganda, ebikwata ku Lukiiko, n'eby'obulombolombo n'empisa z'ekiganda.

(c) Ku bisigaddewo, kyakkirizibwa ng'Enkiiko zombi olwa Uganda n'olwa Buganda, ziyinza okubiteekako amateeka. Naye nga wabaddewo obutakkiriziganya, etteeka ly'Olukiiko lwa Uganda lye lijjanga okugobererwa.

(d) Gavumenti ya Uganda tebeenga na buyinza kukyusa mu Konsitityusoni ya Buganda. Obuyinza bwa Gavana okugaana amateeka agamu n'obw'okukakasa Baminisita ba Buganda bwaggyibwawo.

(e) Kabaka asaanira aviire ddala mu by'obufuzi asigalire kufugiranga ku magezi Baminisita be ge bamuwa.

(f) Ababaka b'Olukiiko bonna banaalondebwanga butereevu wonna mu Buganda, n'Olukiiko lunamalanga emyaka esatu ne luvaako.

(g) Kabaka y'anaabanga n'obuyinza okusattulula Olukiiko ng'akolera ku magezi agamuweereddwa Katikkiro.

(h) Gavumenti ya Queen okuwa Buganda obweyamo obukakafu ddala nti ku by'okugatta Uganda ku nsi endala mu by'obufuzi, Olukiiko lwa Buganda nalwo lulimala kukkiriza.

Akakiiko ka Lord Munster kaateesa bulungi era bangi ku bamanyi eby'obufuzi baakasiima. Kumpi bye kaasemba, Buganda bye yali ejja esaba ebbanga lyonna era bye byateekebwa mu Ndagaano eya 1961.

Akakiiko kaasemba Uganda yonna okusigala ng'efugibwa Gavumenti eya wakati, ku nfuga eya demokulasi, n'okubeerawo Olukiiko lumu olufuga Uganda yonna. Abakiise baalwo nga balondebwa mu nnonda ey'abantu bonna, abasajja n'abakazi (Universal adult suffrage on common roll) buli myaka etaano. Temusaana kubeeramu babaka batayise mu kulonda okw'abantu bonna okw'ekikungo.

6. Endagaano eya 1961 ye yadibya n'Endagaano zino zonna:-
   The Bugaanda Agreement 1894
   The Uganda Agreement 1900
   The Uganda (Judicial), Agreement 1905
   The Memorandum of Agreement (Forest), 1907
   The Uganda (Payment to Chiefs), Agreement, 1908
   The Buganda (Agreement Allotment and Survey), 1913
   The Uganda Agreement (Poll Tax), 1920

Endagaano ya Buganda eya 1961 yateekebwako emikono ku lwa 31/10/61 ogwa Sir Fredrick Crawford, Governor, Commander – in – Chief wa Uganda Protectorate, ku lwa Queen wa Bungereza Elizabeth II, ate ne Edward William Fredrick David Walugembe Mutebi Luwangula Muteesa II, Kabaka Buganda, ku lwa Kabaka, Abaami n'abantu ba Buganda.

Olwo nno Omungereza yali agenda asimbula amakanda okuva mu Uganda ng'esemberedde okwefuga. Era entegeka y'eby'obufuzi eyali mu Ndagaano ya Buganda eya 1961, kumpi y'emu ddala eyayingizibwa mu Konsitityusoni ya Uganda eya 1962 okunnyonnyola mu bujjuvu ekifo kya Buganda ekya Federo mu Uganda eyeefuga.

## EKIBIINA: KABAKA YEKKA – 1962

Ekyaddirira kwali kulonda bakiise ab'okutuula ku nkiiko zombi, National Assembly n'Olukiiko olukulu. Bagamba nti, '***Ow'entanda entono y'asooka okusumulula.***" Buganda ye yasooka mu ddiiro bwe yassaawo okulonda ababaka b'Olukiiko mu February 1962. Kinajjukirwa



nti ababaka abatali batongole baasooka okutuula mu Lukiiko mu 1946 ng'olwo baali 30. Mu 1950 ne beeyongerako ne bawera 68, Abamasaza 20, ababaka ba Kabaka 6, ne Baminisita 6. Bonna bawere 100. Ab'Olukiiko lwa Buganda abaali bagenda okulondebwa beebo abayitibwa ababaka abatali batongole. Kwe kugamba abatali Bamasaza yadde abalondeddwa Kabaka.

Mu 1962 Olukiiko bwe lwamala okukkiriza okugenda mu National Assembly aba Buganda bangi beesanga nga okuggyako DP gye baali batayagala tebaalinawo kibiina kirala. Ekibiina ekiyitibwa ***Kabaka Yekka*** (KY) kyatondebwawo mangu awo ng'okulonda kunaatera okubaawo, ne kiwagirwa mangu bangi abamanyifu mu Buganda n'abatali kyafuna obusembi bwa Ssaabasajja Kabaka. Nga tebannalonda, aba KY n'aba UPC baali bakoze endagaano UPC ereme kusimbawo babaka baayo mu Buganda balekere KY kye kiba kiwangula mu kulonda Olukiiko lwa Buganda. Baalagaana nti KY bwe kiriwangula mu Buganda beegatte ne UPC bakole Gavumenti engatte eya Uganda. Okuvuganya kwali wakawi wa DP ne KY mu kulonda kwa Buganda era KY kye kyawangula nga kifunye ebifo 65, DP nga kifunye 3. Ebya DP baabifunira mu masaza agaali gayitibwa agaabula, Bugangazzi, Buruli, Buyaga, Buweekula.

Ate okulonda Katikkiro ne Baminisita kwagenda okuggwa nga ***Micheal Kintu*** azzeeko ku bwa Katikkiro. Ku ntandikwa ya March 1962 yalangirira Baminisita be bano:

| | |
|---|---|
| Leonardo Basudde | Omulamuzi |
| Amos Kasule Sempa | Omuwanika |
| Abubaker K. Mayanja | Eby'Enjigiriza |
| E.M.K. Muwazi | Eby'Obulamu n'Emirimu |
| A.D. Lubowa | Ebitundu |
| Francis Walugembe | Eby'Obugagga. |

Ku lwa March 6, 1962 Micheal Kintu yakwasibwa Ddamula n'adda ku Bwakatikkiro omulundi ogwokubiri. Ate enkeera nga March 7 Baminisita mukaaga lwe beeyanza mu maaso ga Ssaabasajja Kabaka mu Bulaange Empya.

Eby'okulonda kw'olukiiko lwa Buganda nga biwedde, Gavana, Sir Walter Coutts, yasattulula National Assembly eyaliwo, kiryoke kisobozese okulonda Olukiiko oluggya olwa Uganda yonna okwaliwo mu April 1962. Mu kulonda kuno ebibiina ebyavuganya byali bibiri byokka. DP ne UPC. UPC ye yawangula n'ebifo 43, DP nga kifunye 22.

Ab'ebitundu ebirala ebya Uganda bwe baamala okulonda, Olukiiko lwa Buganda ne lulonda ababaka ba Buganda 21 ab'okugenda mu National Assembly (nga basatu ab'okukiikirira ekibuga Kampala balondebwa butereevu). Mu kulonda ababaka ba Buganda bano, Kabaka n'Olukiiko baalaga omwoyo ogwagala okutabagana ne Banna- Uganda abalala, kwe kulonderamu Omungereza Mr. J.T. Simpson, n'omukyala Omuyindi Mrs. Sugra Visram, ab'e Kampala. Ababaka ba Buganda abaalondebwa be bano:

| | |
|---|---|
| 1. Dr. Eria Babumba | Masaka, North – West |
| 2. W.W. Kalema | Kkoome |
| 3. L. Kasule Ssettaala | Mengo South – East |
| 4. P. Kasujja | Mubende South and Gomba |
| 5. Ali Kisekka | Mengo South |
| 6. J.W. Kiwanuka | Mubende North |
| 7. Mrs. F. A. Lubega | Singo North – West |
| 8. L. Lubowa | Bulemeezi South |
| 9. B. Lukyamuzi | Maasaka North |
| 10.E.B.S. Lumu (Dr.) | Kyaddondo North |
| 11. S.K. Masembe Kabali | Mityana |
| 12. J.S. Mayanja – Nkangi | Masaka East |
| 13. E.M.K. Mulira | Mengo North |
| 14. Y.K. Musiitwa | Mengo Central |
| 15. P. Munyagwa Nsibirwa | Bugerere |
| 16. A.K. Sempa | Sezzibwa West |
| 17. P.N. Serumaga | Masak South – West |
| 18. J.T. Simpson C.B.E | Kyaggwe North – East |
| 19. I.K. Sebunnya | Mengo South – West |
| 20. J.S. Luyimbazi Zake | Masaka Central |
| 21. Mrs. Sugra H. Visram | Kibuga |



Ate bano be baalondebwa okukiikirira Kampala City:-

| | |
|---|---|
| 22. S.Bandali Jaffer | Kampala |
| 23. H.M. Luande | Kampala East |
| 24. D.A. Patel | Kampala South |

Ate bano wammanga be bakiise ba National Assembly abalala abaava mu Buganda naye nga baalondebwa mu ngeri ey'enjawulo:-

| | |
|---|---|
| 1. G.L. Binaisa | Attorney General |
| 2. Dr. Paulo Kigundu | |
| 3. S.W.Kulubya | Deputy Speaker |
| 4. Paulo Muwanga | |
| 4. Dr. F.G. Sembeguya | |

Okulonda nga kuwedde, UPC ne KY kwe kwegatta ne bakola Gavumenti ey'omukago. Abakiise ba Buganda nga batuuse mu National Assembly olwo Obote n'afuuka Prime Minister ng'adda mu kifo kya Benedicto Kiwanuka owa DP eyawangulwa mu kulonda kuno. Prime Minister A.M Obote yalondako bataano ku bo n'abafuula ba Cabinet Ministers, ate abalala mukaaga n'abawa obwa Parliamentary Secretaries.

Abaalya obwaminisita be bano:-

| | |
|---|---|
| 1. Amos K. Sempa | Minister of Finance |
| 2. J.S. Luyimbazi | Minister of Education |
| 3. J.T.Simpson C.B.E | Minister of Economic Affairs |
| 4. Dr. E.B.S. Lumu | Minister of Health |
| 5. L. Kalule Settaala | Minister of Community Development |

Abaaweebwa obwa Parliamentary Secretaries be bano:-

| | |
|---|---|
| 1. W.W. Kalema | Eby'Enjigiriza |
| 2. L. Lubowa | Eby'Obulimi & Coops. |
| 3. S.K. Masembe Kabali | Eby'Emirimu & Labour |
| 4. J.S. Mayanja – Nkangi | Eby'Economic Affairs |
| 5. P. Munyagwa Nsibirwa | Information, Broadcasting & Tourism |
| 6. Mrs. Florence A. Lubega | Community Development |

Sir Crawford eyali omufuzi omwesimbu era omukozi ennyo, yawummula okuva ku bwa Gavana ku nkomerero ya 1961 n'asikirwa Sir Walter Coutts.

Okwefuga bwe kwali kubindabinda abamu baakwesunga nnyo kutuuke mangu, ate abalala nga bakutya era nga beeralikirira. Bannabyabufuzi nga bagamba nti Abangereza baabafuga bubi, tebaabawa ddembe mu by'obufuzi nabo okusobola okuddukanya Gavumenti zaabwe nga bwe baagala. Eby'okuyigirizibwa baabitwala mpola nnyo, eby'obusuubuzi ne biba bya Bayindi na Bazungu bokka ne kivaamu Abaddugavu okusigala mu bwavu ebbanga lyonna bo Abeeru n'Abayindi nga bagaggawala. Naye Abangereza bwe baabagambako nti okwefuga nga eggwanga lyammwe terinnakula, mugenda kwefuga bubi mutuuke n'okujulirira Abangereza bakomewo, bannabyabufuzi Abaddugavu nga baddamu nti *"Waakiri okwefuga obubi nga twefuga fekka okusinga okkufugibwa abagwira. Omuzungu atufugidde emyaka mingi".*

Ate abalala okwefuga baakusuubirangamu ebintu birala. Nga balowooza nti singa Abangereza bavaawo, bagenda kuba bagagga nnyo, bagenda kwegabanya amayumba ago gonna agali mu Kampala ne bibuga ebirala era n'a makolero gaabwe gonna n'amaduuka bagatwale (awatali kusasula). Abaalina ebirowoozo ng'ebyo beesunganga nnyo okwefuga. Abatya okwefuga baagamba nti Omungereza bw'alivawo Baddugavu nannaabwe bagenda kubakooza kagiri. Abaliwandiika ebyafaayo bya Uganda mpozzi be baliba mu kifo ekirungi okumanya ani yali omutuufu.

## AMASAZA AGAABULA

Omukulu w'Amatwale bwe yalaba ng'empaka ziyitiridde wakati wa Buganda ne Bunyoro kye yava alondawo akakiiko akaakulirwa ***Lord Molson*** ke baayita, ***"The Molson Commission",*** kamuwe amagezi nga tebannasalawo kya nkomerero ku nsonga eno eyali enkulu bw'etyo. Mu lipoota yaako, eyafuluma ku ntandikwa ya May 1962, akakiiko ka Lord Molson kaawa amagezi nga kasinga kutunula ku biribaawo mu maaso. Mu masaza agaali gakaayanirwa, Abaganda be baali basingamu obungi, kyokka mu Buyaga ne Bugangazzi Abanyoro nga be basingayo obungi. Emiwendo gyali gityi:-



| ESSAZA | BAGANDA | BANYORO |
|---|---|---|
| Buyaga | 2,300 | 33,000 |
| Bugangazzi | 4,200 | 16,700 |
| Buweekula | 21,700 | 4,800 |
| (Bugerere, Buruli n'ebitundu bya Bulemeezi ne Singo) | 75,600 | 3,500 |
| | ====== | ====== |
| | 103,800 | 58,000 |

Akakiiko ka Lord Molson kaasalawo nti Buyaga ne Bugangazzi nga bwe mulimu Amasiro ga Bunyoro, gasaana kuzzibwa Bunyoro, gali amalala ana, gasigale e Buganda. Olusozi Mubende n'akabuga kaako, ebyo kaasalawo bisigale nga bifugibwa butereevu Gavumenti ya Uganda ate Buweekula n'ebitundu bya Buganda ebirala Bunyoro bye yali ekaayanira bisigale mu Buganda. Mu kwemulugunya kwabwe kwe baaleeta Abanyoro baagamba nti Gavumenti ya Kabaka, Abanyoro abali mu masaza ago yali ebayisa bubi ng'ebasosola. Kyokka Gavumenti ya Kabaka Ab'Akakiiko baagyejjereza.

## MUTEESA AGAANA OKUKAKASA OKUSALA MU NSI YE

Olwamala okusoma lipoota ya Molson, Kabaka Muteesa II n'alangirira mangu ago nti ye nga Kabaka wa Buganda eby'okusala ku nsi ya Buganda ekitundu ne kiweebwa Bunyoro takikkirizako n'akamu, era tagenda kukikkiriza. Kwe kukubira Omukulu w'Amatwale essimu ng'awakanya ensala eyo. Mu kiseera kye kimu Olukiiko lwa Buganda nalwo lwawulugumya eri Omukulu w'Amatwale Mr. Maudling, nga luwakanya ebyali mu lipoota ne lutegeeza nti akakiiko kaava ku nsonga ezaakaleeta, ne kalandukira ku nsonga endala ey'okukyusa ensalo za Buganda.

Olukiiko lw'e Buganda nga luteesa ku lipoota ya Lord Molson lwategeezebwa nti Omukulu w'Amatwale bwe yayogera ne Ssaabasajja Kabaka Muteesa II mu October 1961 ku by'okusaawo akakiiko ka Lord Molson, Kabaka yategeezebwa nti bagenda kubuuliriza ku kwemulugunya Abanyoro abaali mu masaza ago kwe beemulugunya nti baali bayisibwa bubi Gavumenti ya Kabaka, era nti singa Kabaka

eby'okukyusa ensalo yali abitegeereddewo, teyandikkirizza akakiiko ako kassibwewo. Olukiiko baalunnyonnyola nti waaliwo ebbaluwa eyava eri Prime Minister wa Bungereza, n'eweerezebwa. Lord Molson oluvannyuma ng'emugamba eby'amasaza nabyo abibuulizeemu. Naye ng'ebyo eby'ebbaluwa eno Kabaka tebaabimutegeezaako.

Ng'adda mu ssimu ya Kabaka n'ey'Olukiiko Omukulu w'Amatwale Mr. Maudling yagamba nti ebintu byonna Kabaka yabimutegeerezaawo lwe baayogeraganya. Era n'alagira Gavana wa Uganda, Mr. Coutts asabe Olukiiko luteeseganye mangu n'ababaka ba Bunyoro ku by'amasaza okuteeseganya nga kulemaganye, Olukiiko lw'e Buganda luleetewo amagezi amalala agayinza okumalawo omutaawana gw'amasaza. Ate ng'ekyo nakyo kiremeddwa, abali mu kitundu ekyo babuuzibwe okusalawo gye baagala okudda.

Mu kiseera ekyo Omukama w'e Bunyoro, Sir Tito Winyi IV yali mu London ne Dr. Majugo omuwi w'amagezi. Bwe baawulira ebyava mu lipoota ya Nelson ne bagamba Omukulu w'Amatwale amasaza abiri, Buyaga ne Bugangazzi, gabaweebwe mu kiseera ekyo kyennyini awatali kulonzalonza balyoke baddeyo mu Uganda nga bamaze okugafuna. Olukiiko lwa Buganda lwagaana nti Buganda tegenda kukkiriza kuteesa na Gavana oba Bunyoro kasita okuteesa kuliba nga kulimu eby'okukyusa ku nsalo za Buganda.

Gavumenti ya Bungereza yalaba biri bityo, ensonga eno ey'amasaza kwe kugijuliza Olukiiko ttabamiruka olwakomererayo oluyitibwa "Independence Conference" olwali lujja okubaawo mu June 1962 nti lwe luligisala. Ensonga y'amasaza bwe yayanjulwa mu Lukiiko olwo olwakomererayo, kyalabikirawo nga ku njuyi zombi tekuli luseguka: Ababaka ba Buganda nga basimbye nnakakongo, bo aba Bunyoro nga tebakyasalikako na musale. Omukulu w'Amatwale bwe yalaba ng'empaka ziremaganye nga n'okuteesa kwagala kusasika, kwe kuteesa n'asalawo bw'ati:

Amasaza ago abiri, Buyaga ne Bugangazzi, agalabika ng'Abanyoro be basingamu obungi gajja kugira nga gakyabalibwa mu Bwakabaka



bw'e Bunyoro. Naye nga gafugibwa butereevu Gavumenti eya wakati (Uganda Government) okumala emyaka ebiri okuva Uganda lw'erifuna okwefuga. Emyaka egyo ebiri bwe giriggwaako, waliteekebwawo okukuba obululu obw'ekikungo (referendum), olwo abali mu Masaza ago ne balyoka beesalirawo gye baliba baagala okufugirwa, mu Buganda oba Bunyoro oba kusigala nga bafugibwa Gavumenti ya wakati nga District eyeetongodde. Enjuyi zombi tekwali lwasiima nsala eyo okuggyako Obote yeyagikkiriza, era Omukulu w'Amatwale awo we yamanyira ku masaza agaabula.

## OLUKIIKO LW'AMEEFUGA GA UGANDA



*Uganda Constitutional Conference"*

Wano kisaana kimanyibwe nti newakubadde nga Kabaka Muteesa yagendanga wamu n'ababaka ba Buganda e Bungereza mu kuteesa n'Omukulu w'amatwale, naye ye kennyini teyeetabanga mu kuteesa okwo. Katikkiro Kintu ye yakulemberanga Ababaka ba Buganda ne bamala okuteesa n'Omukulu w'Amatwale eyabangawo mu kiseera ekyo

oluvannyuma ne bakomawo eri Kabaka ne banjula bye baali bateesezza era Kabaka n'abawa amagezi. Olukiiko lw'okwefuga kwa Uganda olwasembayo, ***"The Uganda Independence Conference 1962"*** lwaliwo mu London mu June 1962 mu Lancaster House. Ebitundu byonna ebya Uganda byaweereza ababaka baabyo mu Lukiiko luno olwali olwa nsaleesale, era mu kuteesa lwali lwa bbugumu nnyo. Lwali lwa ***"kanaayokyaani"***, kubanga kyali kimaze okumanyika nti Omungereza bye yali asiba byali bikutuka nga 1962 yali tajja kugumalako nga tannava mu Uganda. Milton Obote eyali amaze okufuuka Prime Minister ye yakulembera ababaka ba Gavumenti ye. Ate Ssaabasajja Kabaka Muteesa II ne Mikaeri Kintu eyali amaze okuzzibwako ku bwa Katikkiro omulundi ogwokubiri mu March 1962 nabo ne bakulembera ababaka ba Buganda.

Ababaka bakkiriziganya nti oluvannyuma lw'okwefuga, Queen agenda kulonda ***Governor General*** alisigalawo nga ye mubaka we mu Uganda okutuusa abantu ba Uganda nga bamaze okweteesa ne balonda omufuzi Munnauganda gwe balyagala n'akulira Gavumenti ya Uganda (Head of State). Abalala baagambanga nti Bungereza erese Buganda egikotogedde okuva lwe yasaba nayo okufuna amagye agaayo ku bwayo, Abangereza ne bagigaana ate n'asaba okufuna obuyinza okwewolanga ensimbi mu mawanga ag'ebweru era ne kitakkirizibwa. Amakubo agasinga okuvaamu ensimbi ennyingi gonna yagalekera Gavumenti ya wakati. Gavumenti ya Kabaka baagirekera kufunanga "grants" okuva mu Gavumenti ya Uganda eya wakati n'omusolo omugereke n'emisolo emirala emitonotono. Abamu baagamba nti abaateeseza Buganda mu Lukiiko olwo baateesa bubi okuleka ebintu ebisinga obukulu ne basaba ebirala ebitaali bya mugaso nnyo. Naye nno ekyaliwo, abantu ba Buganda ssi butamanya bintu biriyamba Buganda, naye Omungereza ng'agenda okusimbula amakanda okuva mu Uganda, omwoyo yasinga kugumalira ku Gavumenti ya Uganda eya wakati. Abaganda okubaggyako ebya "Federo", kwali kufunvubira nnyo. Abangereza nga bafaanana nga Ssemaka anaatera okufa ebintu bye n'abirekera omusika we ng'amugamba nti ***"Ozzanga baana bano, obakumakumanga era n'obayamba mu bye beetaaga"*** naye nga yeerabidde nti omusika oyo ayinza okugaana okuyamba baana banne. Kintu yali agaanye okuteeka omukono gwer ku byali bikkirizibbwa



kubanga yalowooza nti Buganda yali teyisibbwa bulungi mu nteeseganya zino okutuusa Ssaabasajja yennyini lwe yamulagira abikkirize ku lw'obulungi bwa Uganda ey'awamu.



***Kintu akakasa ebyakkiriziganyizibwako mu maaso g'Omukulu w'Amatwale***

Ssaabasajja Kabaka Muteesa II nga yakava mu luteesa olwo olw'akamalirizo yayogera ng'Obuganda bwonna bumwegese amaaso, n'agamba nti

***"Ebyo bye twasobola okuggyayo, twabiggyayo, n'ebirala bye tutaasobola kufuna byatulemerayo. Anti bw'ogoba musajja munno, olekamu aganadda".***

Ekyo kikulaga nti ebimu byabalemerayo bulemi. Ebikulu Buganda bye yaggyayo n'ebimu ku ebyo bye yalemererwayo bye bino:-

1. Kyakakasibwa era ne kiwandiikibwa bulungi mu Ndagaano ya Buganda empya, nga Buganda ejja kusigala ng'efugibwa Kabaka era nga Buganda eneegattanga n'ebitundu bya Ugana ebirala mu ngeri ya Federo. Ankole, Toro, ne Bunyoro nazo zaafuna enfuga eya Federo.

2. Olukiiko olukulu lwe lujjanga okulonda ababaka ab'okukiikirira Buganda mu National Assembly, bwe lunaaba nga kye lusazeewo okukola. Bwe kitaba ekyo, banaalondanga butereevu mu Buganda.

3. Kampala okuba ekibuga ekikulu (Capital City) ekya Uganda Gavumenti ya Kabaka y'ejjanga okukifuga ng'ekibuga kyayo ekikulu. Entebbe, n'ekisaawe ky'ennyonyi, bifugibwe Gavumenti ya Uganda.

4. Ettaka lya "Crown Land" mu Buganda mairo 9000 n'ebitundu ebirala, eryo nga lijjanga kuba mu buyinza bwa kakiiko k'ettaka "***Buganda Landa Board***" (Buganda Agreement 1961 Lup. 436).

5. Buganda yakkirizibwa okuba ne poliisi eyaayo era ng'erina n'omukulu waayo agiduumira, naye nga ajjanga kutwalibwa omukulu wa poliisi ya Uganda.

6. Ku bya kooti z'amateeka kyakkirizibwa nga Buganda ejjanga kuba ne kooti Enkulu eyaayo eneyitibwanga ***Principal Court*** era nga Kabaka y'anaalondanga omulamuzi waayo agikulira ayitibwa ***Chief Judge***. Buganda era baagiteerawo ne Attorney General okuba omuwi w'amagezi omukulu ku by'amateeka mu Gavumenti ya Kabaka.

7. Amakubo amakulu Gavumenti yaa Kabaka ge yakkirizibwanga mw'eneefunanga ensimbi ge gano:-
   (a) Okuweebwanga ensimbi (grants) okuva mu Gavumenti ya Uganda
   (b) Omusolo omugereke
   (c) Busuulu
   (d) Empooza z'obutale n'ez'amafuta agatundirwa mu Buganda
   (e) Ensimbi z'Ebitebe n'Emitango.

Bino Buganda bye yali esabye naye n'etebifuna oba n'efunako bitundu:-

1. Kabaka okufuulibwa "Head of State" owa Uganda: Kino ababaka ba Buganda baakisaba n'obumalirivu bungi nti Kabaka w'e Buganda eyakola Endagaano (eya 1894) eyafuula Buganda



okuba Protectorate ya Bungereza, oluvannyuma ebitundu ebirala ne bigigattibwako y'asaanira okuleka ng'afuga Uganda yonna. Naye ab'ebitundu ebirala ne bakiwakanya. Omukulu w'Amatwale kwe kuleeta eky'okulonda Governor – General omungereza agire ng'asigalawo ng'omufuzi wa Uganda ow'oku ntikko okutuusa lwe baliddamu okuteesa ku nsonga eyo.

2. Buganda okubeera n'eggye lyayo: Kino kyagaanibwa era ttebaakifuna wabula ne kikkirizibwa Kabaka okubeera n'abaserikale abamukuuma abawera 300, nga balina emmundu ez'ekika ekitonotono.

3. Minister of Buganda Affairs: Baasaba wateekebwewo Minisita ow'enjawulo mu Gavumenti ya Uganda ng'oyo y'anaakolanga ku nsonga za Buganda mu Gavummenti eyo. Kino nakyo tekyayita

4. Eby'ensimbi: Baali basabye Buganda eweebwe obuyinza okwewola ensimbi okuva mu mawanga g'ebweru. Na kino kyagaanibwa, ekyamakubo agandivuddemu ensimbi eziwera.

Gavumenti ya Uganda yalinga efuna empooza ya shs. 17/= ku buli nsawo ya sukaali ekolerwa mu kyuma kya sukaali e Kawolo – Lugazi; ate ng'ekyuma kifulumya ensawo za sukaali 1,500 bulu lunaku. Naye Buganda Gavumenti nga tewoozaako sente n'emu. Eky'okuweebwa ezitamala bulungi kuddukanya mirimu gyayo kye kimu ku byavangako enkaayana ezitata wakawi wa Gavumenti ya Kabaka n'eya Uganda oluvannyuma nga Uganda emaze okwefuga. Abamu bagamba nti mu kuteesa kuno okw'enkomerero Buganda yasobola okufuna bingi ku bye yasaba mu by'obufuzi bwayo. Era ebyo bye yafuna byandisobodde okukuza ensi n'egenda nnyo mu maaso singa Obote teyagyawo Konsitityusoni ya 1962, eyakkiriziganyizibwako ebitundu bya Uganda byonna.

2. Olukiiko olukulu lwe lujjanga okulonda ababaka ab'okukiikirira Buganda mu National Assembly, bwe lunaaba nga kye lusazeewo okukola. Bwe kitaba ekyo, banaalondanga butereevu mu Buganda.

3. Kampala okuba ekibuga ekikulu (Capital City) ekya Uganda Gavumenti ya Kabaka y'ejjanga okukifuga ng'ekibuga kyayo ekikulu. Entebbe, n'ekisaawe ky'ennyonyi, bifugibwe Gavumenti ya Uganda.

4. Ettaka lya "Crown Land" mu Buganda mairo 9000 n'ebitundu ebirala, eryo nga lijjanga kuba mu buyinza bwa kakiiko k'ettaka ***"Buganda Landa Board"*** (Buganda Agreement 1961 Lup. 436).

5. Buganda yakkirizibwa okuba ne poliisi eyaayo era ng'erina n'omukulu waayo agiduumira, naye nga ajjanga kutwalibwa omukulu wa poliisi ya Uganda.

6. Ku bya kooti z'amateeka kyakkirizibwa nga Buganda ejjanga kuba ne kooti Enkulu eyaayo eneyitibwanga ***Principal Court*** era nga Kabaka y'anaalondanga omulamuzi waayo agikulira ayitibwa ***Chief Judge***. Buganda era baagiteerawo ne Attorney General okuba omuwi w'amagezi omukulu ku by'amateeka mu Gavumenti ya Kabaka.

7. Amakubo amakulu Gavumenti yaa Kabaka ge yakkirizibwanga mw'eneefunanga ensimbi ge gano:-
(a) Okuweebwanga ensimbi (grants) okuva mu Gavumenti ya Uganda
(b) Omusolo omugereke
(c) Busuulu
(d) Empooza z'obutale n'ez'amafuta agatundirwa mu Buganda
(e) Ensimbi z'Ebitebe n'Emitango.

Bino Buganda bye yali esabye naye n'etebifuna oba n'efunako bitundu:-

1. Kabaka okufuulibwa "Head of State" owa Uganda: Kino ababaka ba Buganda baakisaba n'obumalirivu bungi nti Kabaka w'e Buganda eyakola Endagaano (eya 1894) eyafuula Buganda



okuba Protectorate ya Bungereza, oluvannyuma ebitundu ebirala ne bigigattibwako y'asaanira okuleka ng'afuga Uganda yonna. Naye ab'ebitundu ebirala ne bakiwakanya. Omukulu w'Amatwale kwe kuleeta eky'okulonda Governor – General omungereza agire ng'asigalawo ng'omufuzi wa Uganda ow'oku ntikko okutuusa lwe baliddamu okuteesa ku nsonga eyo.

2. Buganda okubeera n'eggye lyayo: Kino kyagaanibwa era ttebaakifuna wabula ne kikkirizibwa Kabaka okubeera n'abaserikale abamukuuma abawera 300, nga balina emmundu ez'ekika ekitonotono.

3. Minister of Buganda Affairs: Baasaba wateekebwewo Minisita ow'enjawulo mu Gavumenti ya Uganda ng'oyo y'anaakolanga ku nsonga za Buganda mu Gavummenti eyo. Kino nakyo tekyayita

4. Eby'ensimbi: Baali basabye Buganda eweebwe obuyinza okwewola ensimbi okuva mu mawanga g'ebweru. Na kino kyagaanibwa, ekyamakubo agandivuddemu ensimbi eziwera.

Gavumenti ya Uganda yalinga efuna empooza ya shs. 17/= ku buli nsawo ya sukaali ekolerwa mu kyuma kya sukaali e Kawolo – Lugazi; ate ng'ekyuma kifulumya ensawo za sukaali 1,500 bulu lunaku. Naye Buganda Gavumenti nga tewoozaako sente n'emu. Eky'okuweebwa ezitamala bulungi kuddukanya mirimu gyayo kye kimu ku byavangako enkaayana ezitata wakawi wa Gavumenti ya Kabaka n'eya Uganda oluvannyuma nga Uganda emaze okwefuga. Abamu bagamba nti mu kuteesa kuno okw'enkomerero Buganda yasobola okufuna bingi ku bye yasaba mu by'obufuzi bwayo. Era ebyo bye yafuna byandisobodde okukuza ensi n'egenda nnyo mu maaso singa Obote teyagyawo Konsitityusoni ya 1962, eyakkiriziganyizibwako ebitundu bya Uganda byonna.

# CHAPTER 7

# UGANDA YEEFUGA

Oluvannyuma lwa Uganda okukuumibwa Bungereza okumala emyaka 68, ekiseera kyali kituuse obufuzi bw'e Bungereza bukome. Olunaku olwakkiriziganyizibwako mu kuteesa, Independence Conference, mu Lancaster House, London mu June 1962 lwe lwa October 9, 1962. Olunaku luno lwatukibwako okujjukira olunaku Ssekabaka Muteesa I, eyayita Abazungu lwe yafiirako. Omulangira w'E§§oma ya Bungereza, His Royal Highness, the Duke of Kent, Queen Elizabeth II gwe yatuma okujja okukwasa abantu ba Uganda ebiwandiiko ebibaddiza obwetwaze.

Baayanirizibwa Gavana wa Uganda, Sir Walter Coutts ne Lady Coutts, Gavana n'amwanjulira His Highness, Sir Edward Muteesa II, Kabaka wa Buganda nga ali ne mwannyina Nnaalinya V.B. Mpologoma.Bwe yali alamusa Kabaka Muteesa II, abantu baakuba nnyo emizira kubanga bombi baali mu byambalo kumpi bye bimu nga bya kijaasi era byeru. N'omukyala we n'abalamusa ng'abasika mu mukono. Bwe baamala, Gavana n'ayanjula Prime Minister Milton Obote ne mukyala we. Awo emizinga 21 ne gikubibwa okwaniriza Abaana be'§§oma bano abaajja mu linnya lya Queen w'e Bungereza. Captain S. Opoloto eyali aduumira amagye ga Uganda agaaliwo yalambuza Omulangira ennyiriri z'abajaasi. Second Lt. Augustine Karugaba yayanjulwa eri Duke of Kent, nga ye yali agenda okuba ***Wolole*** we (ADC) ng'ali muu Uganda. 2nd Lt. Augustine Karugaba ye munnauganda eyasooka okubeera walolole w'Omulangira yenna owa Bungereza. Okwo kwe kwadda okwanjula Deputy Governor G.B. Certland, ne Sipika wa National Assembly Sir Griffin.

## BUGANDA EYANIRIZA DUKE OF KENT

Kampala, nga kye kyali kigenda okuba ekibuga ekikulu ekya Gavumenti ya Uganda, kyasaanira nnyo kimale okutongozebwa okuyitibwanga ***"Kampala City"***. Enkeera nga **October 8, 1962** Omulangira, Duke of Kent ne mukyala we baasookera Kampala mu Town Hall ne bamala okuwa Mayor wa Kampala, Alderman Mrs. Barbra Saben, ebiwandiiko ebitongole ebifuula Kampala okuba ekibuga ekikulu **"City"**, olwo ne bagenda e Mmengo mu Bulaange Empya.



Duke of Kent ne mukyala we nga batuuse ku Bulange Empya baayanirizibwa Ssaabasajja Kabaka eyali anekedde obulungi ennyo mu Busuuti ey'Obwakabaka n'amwanjulira Bamnisita. Oluvannyuma Owekitiibwa Omulamuzi Leonard Basudde n'ayanjula ba Parliamentary Secretaries n'Abamasaza 20 eri Omulangira. Omugenyi yasooka kulambula nnyiriri z'abaserikale ba poliisi ya Buganda olwo Kabaka n'alyoka atwala Omulangira ne Sir Walter Coutts, ne bayingira mu kisenge ky'Olukiiko mu Bulange, mu kitiibwa ekinene wakati mu maloboozi g'eŋŋoma n'ebivuga ebirala.




***Duke of Kent ne mukyala we nga batuuka ku Bulange e Mengo***

Mu bagenyi ab'ebitiibwa, abaasangibwa nga baateredde dda mu bifo byabwe mwe mwali: Prime Minister Obote, Omukama w'e Toro, Sir George Kamurasi Rukidi, Sir Tito Winyi, Sir Charles Gasyonga, Kyabazinga, Abakulembeze b'amaddiini, Sir Andrew Cohen, Sir John Harthorn Hall ne Lady Hall, (bombi baaliko ba Gavana mu Uganda).

Mzee Jomo Kenyatta, Minister of state mu Gavumenti ya Kenya, Mr. Tom Mboya, Minister of labour mu Kenya, Baminsita ba Gavumenti Enkuumi, Abalangira n'Abambejja ba Buganda n'abagenyi abakulu abalala bangi.

### *"MUTO WANGE NKUSANYUKIDDE"*

Mu Bulange Empya, entebe n'emitto byali bikoleddwa era nga bitegekeddwa mu ngeri y'emu nga eziri mu House of Commons, mu Bungereza (nga totaddeeko Namulondo). Bonna nga bamaze okutuula n'okukkalira obulungi mu bifo byabwe mu kisenge ky'Olukiiko Ssaabasajja n'alyoka atandika okwogera. Yasooka kubalaata n'ategeeza Omulangira nti " ***ye nga ofiisa eyasooka okulya Obwakapiteni mu kibinja kya Grenadier Guards, kyali kimusanyusizza nnyo okwaniriza Ofiisa munne omuto (Junior) bwe bali mu kibinja ekimu eky'amagye ga H.M Queen w'e Bungereza.***

Kwe kumutegeeza nga abantu ba Buganda bwe bafunye omukisa okufuna omubaka omutuufu ddala nga gwe baatumye okubeebaliza Gavumenti ya Queen n'abantu bonna ab'e Bungereza olw'okubakulembera obulungi era n'olw'enkolagana ennungi era ey'omukwano wakati w'ensi zombi n'ebbanga lyonna lye bamaze nga bakuuma Uganda. Yabaagaliza ebiseera ebirungi ebbanga lyonna lye baali bajja okumala mu Uganda nga batuukiriza omulimu omukulu gwe baali batumiddwa era nabo ne bakkiriza okujja okugutuukiriza. Kabaka era yategeeza Omulangira nti: Yali tateganye kubanjulira abantu abaaliwo kinoomu. Ekyo nno ke kabonero akategeeza nti yabayita n'essanyu okukomawo olulala okubakyalira, balyoke basobole okumanya abantu abo bonna lwalibabalaga.

### OKWOGERA KWA KATIKKIRO KINTU

Ye Katikkiro Micheal Kintu, yaluva ku ntono n'agamba nti: Buganda ne Uganda yonna wamu, okujja nga zikulaakulana n'okutuuka wano we ziri kaakati, kyava ku Ssekabaka Mwanga II bwe yakola endagaano ya Buganda eya 1894. Endagaano eyo ye yafuula Buganda okubeera British Protectorate, okuva olwo Buganda n'egenda nga yeeyongera okugenda mu maaso n'okukulaakulana okutuuka we yali



etuuse.Katikkiro yagenda amenya ebizibu Buganda by'egenze eyitamu era n'ayongerako nti:

***"Olunaku luno olwa leero lwe lunaakomekkereza enkolagana emaze emyaka emingi bwe gityo era enkolagana ey'omugaso ennyo wakati w'eggwanga lyaffe erya Buganda n'abantu b'e Bungereza. Obwakabaka bw'e Buganda bulina okwenyumiriza olw'ebyo byonna bye tusobodde okukolako ku mulimu gw'akukuza Uganda yonna awamu n'okugitwala mu maaso. Era Buganda ekyali neetegefu ddala okwongera okukolerera okugenda mu maaso okw'abantu baayo ab'e Buganda era n'olw'abantu bonna abali mu Uganda. Newakubadde nga Buganda neetegefu okwaniriza era n'okugoberera enkyukakyuka n'empisa ebipya by'eneerabanga ebituufu era nga bisaanira, aba Buganda tuli bamalirivu okukuuma ebintu byaffe eby'edda ebirungi ebizze bitulunnamya mu byonna bye tukola okuva emabega yonna".***

### OKUDDAMU KW'OMULANGIRA.

Yakulisa Ssaabasajja Kabaka n'abantu bonna aba Buganda okutuuka ku lunaku Bungereza kwe yali egenda okuddiza abantu ba Uganda obwetwaze bwabwe. Yayongera eigambo bye bw'ati:

***"Newakubadde ng'enkolagana ennungi ey'omukwano ebaddewo wakati wa Kabaka n'Abaami n'abantu ba Buganda kindeetera essanyu lingi okumanya nti mu kifo kyayo wajja kuddawo enkolagana empya ejjanga okugatta awamu abantu ba Bungereza n'aba Buganda mu mukwano ogw'amazima, era mbakakasa nti Ssaabasajja Kabaka ne Katikkiro we, obubaka bye bantumye okubalamusiza Queen n'Eggwanga lyonna erya Bungereza era n'okubeebaza ennyo olw'ebyo byonna bye bakoledde ensi ya Buganda, ekyo temutumye mwesitukidde. Obubaka ŋŋenda kubutuusa bulungi".***

Oluvannyuma Gavumenti ya Kabaka Abaana b'Eŋŋoma ya Bungereza yabatonera ebirabo: omukeeka omuganda, entongooli, omuggo omuwunde n'ekifaananyi ekinene ddala ekya Ssekabaka Muteesa I.

## OKUGABULA ABAGENYI

Eby'omu Bulange nga biwedde, Ssaabasajja Kabaka yatwala abagenyi mu Twekobe ku ky'emisana makeke. Olw'eggulo olwo Omulangira ne mukyala we nga bamaze okugenda, Kabaka yagabula embaga y'ebyokulya n'okunywa kwe yasembereza abagenyi abayite abaawera 4,000.

## AMEEFUGA GENNYINI 9, OCTOBER, 1962

Omukolo gwennyini ogw'ameefuga ga Uganda gwali mu kisaawe ky'ennyonyi e Kololo. Okutuuka akawungeezi ako konna, ku lwa October 8, 1962 abantu enkumi n'enkumi baali nga beesomba okugenda ku mukolo guno ogw'ebyafaayo ogwali gugenda okubaawo wakati mu ttumbi, essaawa mukaaga olwa ***October 9, 1962*** nga lutandika. Abantu bateeberezebwa okuba nga baawera 50,000 ekiro ekyo. Olwo Sir Walter Coutts, eyali Gavana kwe kufuuka Governor – General wa Uganda, naye nga yali wakumalako ekiseera kitono.

## OKUWANIKA N'OKUWANULA BBENDERA

Omukolo guno mu byafaayo bya Uganda gwaliwo mu ttumbi kiro ku lwa October 9, 1962. Omulangira Duke of Kent ne mukyala we nga bawerekerwako Gavana wa Uganda Sir Walter Coutts n'omukyala we Lady Coutts; H.H. Kabaka Muteesa II ne Nnaalinnya Mpologoma , Prime Minister Apolo Milton Obote n'omukyala we baatuuka ku kisaawe e Kololo ng'essaawa zinaatera okuba ettumbi. Awo Omulangiraa ne be yali nabo ne batuuzibwa bulungi mu bifo byabwe. Bwe yali ng'esigadde eddakiika ntono nnyo ettumbi lirume, Gavana wa Uganda, Sir Walter Coutts ne Prime Minister Apolo Milton Obote baavaayo ne bayimirira mu ddiiro wakati abantu bonna nga babeegese amaaso. Awo bandi y'amagye ga Uganda n'efuuwa oluyimba lwa Bungereza ***"God Save the Queen"*** era abantu bonna ne bayimirira okuyimba. Olwalusirisa,omuserikale wa Uganda, eyali ayimiridde okumpi n'omulongooti n'atandika okusika bbendera ya Bungereza (***Union Jack)*** nga agissa mpola wansi, okutuusa lwe yagituusa ku ttaka era n'agizingako. Kino nga kitegeeza nti Obufuzi bwa Bungereza mu Uganda bwali bukomye awo. Mu kiseera kye kimu omuserikale yatandika okuwanika bbendera ya Uganda Empya. Nga kino kitegeeza nga Uganda bwe yali etandise ***OKWEEFUGA*** ku ddakiika eyo, mu



ttumbi ly'ekiro kya October 9,1962. Ebbendera nga eri waggulu yewuuba, abantu bonna abaali ku kisaawe baayimirira ne bayimba oluyimba lw'Eggwanga olwawandiikibwa omunnabyannyimba n'ebivuga G. Kakoma. Oluyimba bwe lwaggwa ne balyoka batulisa emiriro (fire works), egyamulisa Kampala yenna n'ayakaayakana ng'emisana. Omulangira, Duke of Kent, ne be yajja nabo baaleka ebyo bikyagenda mu maaso bo omukolo ne bagunnyuka ne baddayo gye baasula.

## "EBIROWOOZO BYANGE BIRI NAMMWE"

Enkeera Omulangira ne Duchess of Kent ne batuuka ku kisaawe e Kololo. Bandi y'amagye n'ekuba "Royal Salute" okulamusa Abaana b'eŋŋoma ya Bungereza, oluvannyuma Duke n'alambula "Guard of Honour" eyakolebwa amagye agaali gaakafuna erinnya erya ***"Uganda Rifles"*** (Olwo nga erya King's African Rifles livuddeko). Oluvanyuma waabeerawo kusabira Eggwanga okwaddirirwa okuyimba oluyimba lw'Eggwanga. Okusaba n'okwebaza byakulemberwa Archbishop ow'e Lubaga ***Dr. Joseph Kiwanuka,*** Archbishop wa Uganda ***Dr. Leslie Brown, ne Sheikh Swaibu Semakula ow'e Kibuli.***



*Dr. Joseph Kiwanuka*



*Sheikh Swaibu Semakula*



*Dr. Leslie Brown*

Okusaba bwe kwaggwa H.R.H. The Duke of Kent, n'alyoka asoma obubaka bwa Queen wa Bungereza obwamutumibwa okusomera abantu ba Uganda. Mu Lungereza ne mu Luganda bwe buno:- ***"Ntumye mwannyinaze, Omulangira Duke of Kent, okujja okubeerawo mu linnya lyange nze kennyini, ku bijaguzo by'okukuza ameefuga g'ensi yammwe. Nzijukira n'essanyu nga bwe nnakyalako mu nsi yaammwe mu mwaka gwa 1954 lwe***

*nnaggulawo ebbibiro ly'amasanyalaze eriyitibwa Owen Falls Dam. Kaakati nga muli ku lunaku luno olw'ebyafaayo era olunajjukirwa ennyo, Uganda, kw'efunidde okwefuga kwayo, ebirowoozo byange biri wammu nammw. Uganda, newakubadde nga erimu abantu abalina empisa n'obulombolombo eby'enjaawulo naye kaakano beegasse wamu okuba Eggwanga erimu. Mu kukola kino abantu ba Uganda balaze omwoyo gw'okutegeeragana n'okusiŋŋanamu ekitiibwa, balyoke batuuke kw'ebyo ebigenderera okufunibwa mu kwefuga; ebigendererwa ebyo by'ebyo ebireetawo essuubi nti Uganda nayo ku bwayo ejjanga kubaako by'ekola olw'obulungi bw'ensi yonna awamu. Nsaba Katonda Ensi yammwe agiwenga omukisa era agikulemberenga mu myaka gyonna agirijja mu maaso".*

Nga amaze obubaka bwa Queen, Omulangira naye n'ayongerako ebigambo ebitonotono ebibye ku bubwe ng'agamba nti:-

***"Ffe ne mukyala wange tusiimye nnyo olw'okutwaniriza ennyo bwe mutyo wonna wonna we tugenze kasooka tutuuka mu Uganda. Omukolo guno ogw'okukwasa Ebiwandiiko eby'okwefuga mutuufu nnyo era gwa kitiibwa kubanga gwe gutandise Essuula Empya mu bulamu bwa Uganda. Nze ne mukyala wange tumaze ebbanga nga tugezaako okusoma n'okuyiga Ebyafaayo bya Uganda bye tusanze nga biwanvu era nga bikulu. Oluvannyuma nga tutuukidde ddala mu Uganda mwennyini kitusanyusizza nnyo okulaba Ensi Uganda nga bw'efaanana. Mbalamusa n'essanyu lingi era mbaagaliza birungi byereere ku lunaku luno olw'amazaalibwa ga Uganda Eyeefuga.***

***Kinsanyusizza nnyo okubategeeza wano nti nange luno lwe lunaku lwange kwe nazaalibwa era mbategeeza nti amazaalibwa gange gano gansanyusizza nnyo okusinga ennaku zonna endala ez'amazaalibwa gange ze nŋaakakuza."***

Bwe yamala ebyo, Duke of Kent kwe kutuuka ku mulimu gwennyini Queen gwe yamutuma okukola mu kifo kye. Awo yasitula Ebiwandiiko



by'Ameefuga nga mwe muli Konsitityusoni ya Uganda Eyeefuga (Constitutional Instruments) n'abikwasa Prime Minister Apolo Milton Obote. Nga kano ke kaseera kennyini mu mateeka "British Protectorate" we yakoma, ate Uganda Eyeefuga n'etandika. Duke of Kent ng'amaze eby'okukwasa ebiwandiiko, Prime Minister Milton Obote yasituka n'amwebaza era n'amutegeeza nga Uganda bw'esanyuse ennyo okugiwa obwetwaaze bwayo era nga yeesunga ennyo Uganda okutwala ekifo kyayo mu bujjuvu mu kibiina kya CommonWealth era ng'ekyo bwe kijja okugizzaamu ennyo amaanyi. Mu kiseera ekyo eky'ameefuga era n'omukulu w'Amatwale ow'e Bungereza Mr. Duncan Sandys naye yaweereza obubaka obuyozaayoza Uganda okutuuka ku kwefuga.



*OMULANGIRA DUKE OF KENT NG'AKWASA MILTON OBOTE OBUYINZA OBUKKIRIZA UGANDA OKWEFUGA*

## OKUGGULAWO PARLIAMENT EMPYA.

October 10, 1962 lwe lwali olunaku lw'okuggulawo mu butongole palimenti Empya eya Uganda eyeefuga nga eggulwawo Omulangira Duke of Kent, ku mukolo ogwali ogw'ekitiibwa ennyo mu ndabika yagwo era ne mu bantu ab'ebitiibwa abangi abaaguliko. Palimenti eno esooka yaggulwawo nga abantu batudde mu kisenge ekyalinga eky'Olukiiko Legislative Council, olwalinga lufuga Uganda okutuusa ku kwefuga. Kino kye kisenge, munda w'ekizimbe ekinene ekimanyiddwa nga Parliament Building ekyamalawo paunda 700,000 okukizimba wakati ddala mu Kampala.

Duke ne Duchess of Kent nga bawerekerwako H.H. Kabaka Muteesa II n'abalala be yali nabo ne batuuka mu kisenge kya Palimenti nga bakulemberwa Serwano Kulubya, Ex-Mayor wa Kampala. Bonna baatuuzibwa bulungi mu bifo byabwe, Duke of Kent n'alyoka asoma ebigambo Queen wa Bungereza bye yamutuma okusomera Olukiiko lw'Eggwanga mu kifo kye. Mu bigambo ebyali ebimpimpi, Queen yakuutira Olukiiko ng'alutegeeza nti:

***"Omulimu Gavumenti Empya gw'esaana okusookerako okukolera abantu baayo ate nga mukulu nnyo gwe gw'okusitula embeera y'abantu ng'eyita mu kutumbula eby'obugagga bwa Uganda obulabika nga businga kwesigama nnyo ku kulima n'okulunda".***

Oluvanyuma Prime Minister, Milton Obote, naye yaddamu mu bigambo bitono nga yeebaza H.M. the Queen olw'ebigambo bye ebirungi bye yaweereza okuggulawo Palyamenti Empya era n'amagezi ge yabawa.

Omukolo gwali mumpi ogwamala nga kitundu kya ssaawa naye gwali gwa kitiibwa. Duke n'ab'ekibiina kye bwe baafuluma ne balinya mmoka, baagenda nga bayisa ekivulu nga beetoloola enguudo za Kampala, abantu bangi nga bababakubira emizira era nga basanyuka nnyo okubalaba.



## DUCHESS AGGULAWO EDDWALIRO

Omukolo gwokka Duchess of Kent gwe yasabibwa okukola mu Kampala nga October 16, 1962 naye n'agukola n'essanyu n'ekisa ekyalabika ku maaso, gwali gwa kuggulawo Eddwaliro ly'e Mulago erimanyiddwa nga Mulago Omuggya. Eddwaliro lino eririna kalina mukaaga, we yaliggulirawo nga lyakaggwa okuzimba nga lyonna litemagana butemaganyi era nga buli kintu kyonna ekyetaagibwa abasawo okukozesa mu kuwonya abalwadde n'okubudaabuda obulungi nga byonna mwebiri bulungi. Eddwaliro lyazimbibwa ne limalirizibwa nga ensimbi ezisinga obungi ezalizimba zaweebwa Gavumenti ya Bungereza era nga kye kyali ekirabo abantu b'e Bungereza kye baawa Uganda nga bagisiima. Duchess nga amaze okulangirira nga ekizimbe bwe yali akigguddewo, yatandika okulirambula ng'agenda alaba abalwadde era nga abamu ayogerako nabo. Yamalira ddala eddakiika nga 40 nga bagenda bamulambuza ebitundu by'eddwaliro ebitali bimu.

## UGANDA EFUUKA MEMBER MU U.N.O.

Amangu ddala nga Uganda yakamala okwefuga, Prime Minister Milton Obote yaweereza okusaba kwa Uganda ekkirizibwe okufuuka memba mu U.N.O. Okusaba kuno kwasembebwa bulungi amawanga ag'omukwano era ne kukkirizibwa mangu. Amawanga agaagisemba ge gano: Britain, Ghana, ne United Arab Republic (Egypt oba Misiri). Ku lwa October 25, 1962 Uganda n'ekkirizibwa okuba memba, nga ly'eggwanga erya 110 okuyingira mu kibiina kya U.N.O. Era ne bayita ne Prime Minister Milton Obote okubeerawo nga Uganda eyingizibwa mu kibiina kya United Nations Organisation.

## OBUBAKA BWA MUTEESA KU MEEFUGA

Buno bwe bubaka bwa Kabaka bwe yaweereza abantu ba Buganda ng'abakulisa okutuuka ku lunaku olw'okwefuga kwa Uganda yonna. ***"Kinajjukirwa nti October 9,1894 Ssekabaka Muteesa I omutandisi wa Uganda Empya lwe yafiirako era n'aziikibwa mu Lubiri lwe e Kasubi Nnabulagala. Yazikiibwa nga 25 October 1894. Nolwekyo mpulira okwenyumiriza olw'okuba nga baanzibulamu erinnya erifaanana erya Jjajja wange era nga nsobodde n'okubeerawo ku lunaku Abangereza lwe baatuddiza***

*obwetwaze bwaffe oluvannyuma lw'okutufugira emyaka egiwera 68. Mu myaka egyo tulabiddemu ebintu ebizibu, naye ate mu kiseera kye kimu mubaddemu ebitusanyusa bingi. Kyokka twebaza Katonda olw'omukwano gwaffe era n'Abaminsane bye baatukolera okukuza ensi ya Uganda.*

*Kaakano nga bwe tumaze okufuna okwefuga, mbakubira omulanga okkuteekamu ennyo amaanyi mu bintu byonna bye munaakolanga mulyoke muleetere Obwakabaka bwaffe erinnya eddungi eri abantu bonna. Enjawukana mu mawanga, mu maddiini ne mu langi zireme kutwawukanyanga".*

**GAVUMENTI YA UGANDA EMBEREBERYE YALI BWETI:-**

| | |
|---|---|
| Sir Walter Coutts | Governor General |
| Dr. Apolo Milton Obote | Prime Minister |
| 1. Mr. J.S. Mayanja – Nkangi | Minister of Commerce |
| 2. Mr. Mathias Ngobi | Agriculture & Co-operatives |
| 3. Grace Ibingira | Justice |
| 4. Mr. Amos K. Sempa | Finance |
| 5. Mr. Lwamafa | Mineral & Water Resouces |
| 6. Mr. Balaki Kirya | Minister of Works |
| 7. Mr. Felix Onama | Minister of Internal Affairs |
| 8. Dr. E.B.S. Lumu | Minister of Health |
| 9. Dr. J. Luyimbazi Zake | Minster of Education |
| 10. Mr. Obwangor | Minister of Regional Administrations |
| 11. Mr. L. Kalule Settaala | Minister of Industry & Communcations |
| 12. Mr. Adoko Nelson | Minister of Information, Broadcasting & Tourism |
| 13. Mr. George Magezi | Minster of State |
| 14. Mr. John Babiiha | Minister of Animal, Industry, Game & Fisheries |
| 15. Mr. Ojera | Minister of Community Development |
| 16. Mr. Godfrey Binaisa (Q.C) | Attorney General |
| 17. Mr. Patel | Mr. Speaker |
| 18. Mr. B. Batalingaya | Leader of the opposition |



## PRESIDENT WA UGANDA OMUBEREBERYE

Ekikulu ekyasinga byonna ebyaliwo mu 1963, kwe kulonda kwa Sir Edward Muteesa II, Kabaka wa Buganda, okuba president wa Uganda omubereberye. Kwaliwo nga October 9, 1963. Nga wayise omwaka gumu gwokka okuva ku meefuga. Yalondebwa amale emyaka 5 ng'afuga Uganda yonna nga omukulembeze waayo owoku ntikko. Okusooka kyali kimaze okusalibwawo nti "Head of State" ajjanga kuyitibwa "President" nga omu ku bafuzi ab'ensikirano, (Kabaka w'e Buganda, Omugabe w'e Ankole, Omukama w'e Toro, Omukama w'e Bunyoro ne Kyabazinga w'e Busoga) ababaka ba National Assembly gwe bajja okulonda okuba president wa Uganda.

Abaalondebwamu nga bamaze okusigala 5 bokka batyo, kyalabikirawo nti okuvuganya kwali kujja kubeera wakati wa Muteesa II, ne Wilberforce Nadiope, Kyabazinga w'e Busoga. Era bwe kityo bwe kyali. Sir Edward Muteesa bwe yalondebwa okuba president ne Sir Wilberforce naye n'alondebwa okuba Vice president. Ekifo kya Vice president mu Konsitityusoni ya Uganda tekyalimu, mpozzi kyatondebwawo mangu awo Nadiope akirye. Mu kiseera ekyo era William Nadiope ye yali Vice president wa U.P.C, ekibiina ekyali mu Gavumenti. Obululu bwakubibwa mu kyama ne kitamanyika ababaka bameka aba U.P.C oba D.P abaawa Muteesa oba Nadiope obululu.

Ku lwa October 9, Sir Edward Muteesa II lwe yalayizibwa okuba president wa Uganda era Commander – in – Chief w'Amagye ga Uganda yonna. Chief Justice Udo ye yamulayiza ku madaala ga palimenti mu Kampala. Era mu bye yayogera mu National Assembly ku lunaku olwo, yagamba nti:-

*"Mpulira muli nga nnina ebbanja ddene gye muli olw'obwesige buno bwe muntaddemu nga munnonda okutwala ekifo ekikulu bwe kityo eky'obwa president. Bwe ntyo nange mbakakasa wano kati nga nzijja kweweerayo ddala, nsobole okutuukiriza emirimu*

***gy'ekifo ekyo kye muntaddemu ku lw'obungi bw'abantu bonna ab'ensi eno".***



***Sir Edward Muteesa II president wa Uganda era Commander – in – Chief w'Amagye ga Uganda yonna.***

Abasinga obungi mu Buganda baasanyukira nnyo Dr. Obote ne Gavumenti ye okulonda Kabaka Muteesa ku bwa president, kubanga kino kye baali bajjanga basaba Gavumenti ya Bungereza okumala ebbanga ddene, naye n'ereka nga tekikozeeko. Kyokka waaliwo Abaganda abamu abaatya nti okulonda Kabaka ku bwa President lyali kkubo lya kuggyawo Bwakabaka bwa Buganda. Muteesa mu kitabo kye "***Desecration of my Kingdom***" yagamba nti bwe yamala okufuuka President olwo ng'asula mu State House, e Ntebe, yeewuunya okulaba nga yatuula ku mmeeza, eyo yennyini, Sir Andrew Cohen kwe yali atudde amale alagire okumuwaŋŋangusa.



## EZINAABALA TEZIRANDA GGOBE

Okuviira ddala mu 1962, Uganda lwe yefuga nga Buganda egatiddwa ku Uganda mu ngeri ya federo, gavumenti zombi zatandikirawo obutakkiriziganya, okusinga mu ntegeera y'amakulu g'ebigambo nga bwe byali mu Constitution eyaleeta okwefuga. Aba Buganda baakayana nnyo okusinga ku bigambo by'ensimbi (grants) gavumenti ya Uganda ze yali eteekwa okuddiza Buganda nga bwe kyali mu ndagaano. Era n'ekya polisi nakyo kyaleeta obutategeeragana nga Buganda yebuuza lwaki police post y'e Kibuye n'e Kawempe tezaweebwa Gavumenti ya Buganda ate nga Buganda yakkirizibwa okuba ne polisi eyaayo.

Bwe kityo newakubadde nga Kabaka Muteesa yafuulibwa pulezidenti wa Uganda naye tekyaggyawo kutotoogana wakati wa zi Gavummenti zombi. Omwaka gwa 1964 nga gutandise, eby'obufuzi byeyongera obutagenda bulungi ku ludda lwa Buganda. Aba KY mu palimenti baali beeyongera kusala ddiiro nga badda mu UPC, nga basendebwasendebwa olw'okwagala okulya ebifo ebisava mu Gavumenti, teekako n'akalimi akalungi Obote ke yali amanyi okukozesa obulungi ennyo mu kusendasenda abantu okubazza ku luuyi lwe. Mu January 1964, Obote yalangirira nti enkola ey'okubeera n'ekibiina ekimu mu palimenti y'esaanira okukolerako mu Uganda, kubanga enkola ey'okubeera n'oludda olw'okuwabula Gavumenti erabika nga y'abanyunyunsi. Ekyo aba KY kyabongera okutya ne batuuka n'okwagala okwegatta ku DP bafuuke ekibiina kimu. Naye ate olwokubanga Benedicto Kiwanuka omukulembeze wa DP teyali mukiise mu kiseera ekyo, ekyo nakyo ne kibatiisa. Kyokka oludda oluwabula lwasigalawo naye nga lunafu.

Mu September, omukago gwa KY ne UPC lwe gwayabulukukira ddala ne gufa. Ate ne mu November, Batalingaya ne banne abalala 5, bonna nga ba DP, baasala eddiiro ne beegatta ku UPC. Basil K. Batalingaya, oluvannyuma eyalya Obwaminisita w'Ensonga Ez'omunda amale asibe ennyo abantu mu mateeka ag'akabenje, mu kiseera ekyo ye yali omukulembeze w'oludda oluvuganya Gavumenti. Bwe yasala eddiiro okwesogga UPC ne banne 5, baaleka oludda oluvuganya nga lunafuye nnyo era mu kiseera kye kimu aba KY baali nga mu Gavummenti bamaze okuvaamu Obote ng'alabye afunye obuwagizi obumala.

butuufu, waaliwo ekiseera aba KY lwe baali mu kyeyibaala, nga balowooza nti Gavumenti ya UPC bwe baatta omukago tegenda kuteekawo kukuba bululu nga bwe kyateesebwa. Naye omukago bwe gwamala okufa UPC yali tekyeguya ebyo.

Oluvannyuma lwa Gavumenti ya Kintu okugiyuuguumya ennyo, Olukiiko lwatuula mu Bulange ne luwaliriza Micheal Kintu ne Baminisita be balekulire ebifo byabwe mu Gavumenti. Baabagamba balekulire nga tewannaleetebwa kiteeso mu Lukiiko ekibagoba nga babaggyamu obwesige, n'okubayimbulirako abantu ba Buganda abaali babakyaye ennyo. Gavumenti ya Kintu nayo yalaba bituuse awo ne bawandiikira Ssaabasajja Kabaka ebbaluwa bave mu Gavumenti ye. Ebbaluwa yabwe esaba okulekulira Deputy Speaker, Sheik Ali Kulumba yagiweereza mu office ya Ssaabasajja Kabaka nga November 9,1964.

## ABANTU BATTIBWA E NAKULABYE

Mu kiseera ekyo abantu ba Buganda bwe baali nga bakyali mu mboyaana y'amasaza ate ne bagwibwamu ekikangabwa ekirala ekyaleka abantu b'e Nnaakulabye nga baaziirana. Kyali tekirabwangako wano mu Uganda abapoliisi okukwata emmundu ne bagenda nga bakuba bukubi abantu be balaba awo! Ku lwa November 10, abapoliisi ya Uganda abagambibwa nti baali badduukirira nduulu ezaavugira awo mu maduuka e Nnaakulabye, baatuuka nga balina eby'okulwanyisa eby'amaanyi. Bwe baatuuka mu masa§§anzira e Nnaakulabye ne bagumba awo ku nkulungo ne batandika okukuba amasasi mmotoka n'abantu abaalinga bayitawo.

Bwe baava awo ne bagenda nga baggula amaduuka n'amayumba agasulwamu abantu nga babakuba emmundu. Abantu 6 baattibwa n'abalala ne bagendera ku bisago. Abaakubibwa mu ngeri eyo baali bantu ba bulijjo abataalina bya kulwanyisa byonna yadde omusango gwonna gwe baali bazizza. Abantu ba Buganda bangi ekikolwa kino kyabeesisiwaza. Aba Buganda mu National Assembly basatu baafulumyawo ekiwandiiko ekivumirira nnyo poliisi okutta abantu mu ngeri eyo era ne basaba wateekebwewo okubuuliriza okujjuvu mu kufa kw'abantu abo. Kyokka ne basaba abantu ba Buganda babeere bateefu. Yadde n'aba UPC, ekibiina ekyali mu Gavumenti, nabo baafulumya



ebiwandiiko nga bennyamira ekikolwa kino eky'entiisa okuba nga kyakolebwa poliisi ya Uganda.

Bw'otunuulira ebizze bibeerawo mu Uganda mu myaka 29 okuva ab'e Nnaakulabye lwe baattibwa, olaba nti abantu beesisiwala nnyo lwa kubanga baali tebannategeera mu kiseera ekyo nti mu bufuzi UPC obwaliwo, okutta abantu awatali nsonga etegeerekese kwali kutandika butandisi. Felix Onama, Minisita ow'Ensonga zomunda bwe yali abuuzibwa ebibuuzo ku T.V. yagamba nti: ***"Abo abaakubwa emmundu e Nnaakulabye baali basiru"*** Era kyagambibwa nti Gavumenti ya Uganda yalowooza nti oluvanyuma lw'amasaza okutwalibwa, abantu ba Buganda baali bajja kuteekawo obwediimo n'obusambattuko, kino kibaleetere okuwa abapoliisi n'amagye buyinza okukola nga bwe balaba. Amangu ddala nga bino byakamala okubaawo, poliisi nayo yannyonnyola nti:

***"Ku lwa November, 10 1964 poliisi yafuna essimu 999 ng'omuntu asaba poliisi emuyambe ng'asinziira ku bbaala e Nnaakulabye. Abapoliisi kwe kuweerezaayo mmotoka emu eyali ku gw'okulawuna. Bwe yatuuka e Nnaakulabye Abaserikale baasanga abantu bangi bakuŋŋanye nga bawera nga 500. Abo bwe baalaba mmotoka ya poliisi ne batandika okugikuba amayinja. Ne poliisi ne yerwanako ng'ekuba amasasi mu bbanga."***

Era ku lw'okusatu, e Nnaakulabye waalabikayo emirambo gy'abantu etaano nga giriko ebiwundu by'amasasi. Oryema, Inspector – General wa poliisi yategeeza nti waali wajja kussibwaawo omulamuzi (coroner) akulira Kooti ey'enjawulo okubuuliriza mu butongole eby'okuttibwa kw'abantu e Nnaakulabye okwaliwo nga November 10, 1964. C.M. Kantinti, omulamuzi w'e Kampala, ye yalondebwa okukulira Kooti eno. Ate A.K. Konde, puliida w'e Kampala ye yawolereza poliisi ya Uganda, Paulo Jayarajan n'abeerawo mu linnya lya Gavumenti ya Kabaka. Kooti nga yaakatandika omulimu gwayo, Omulamuzi Kantinti yakiggumiza nti: ***"Tetugenda kuwozesa musango gwennyini ogw'obussi, naye tugenda kubuuliriza ekyavaako abantu abo kuttirwa e Nnaakulabye...."***

Dr. Lekobowamu Kafeero, omusawo w'e Mulago akebera emirambo, yategeeza Kooti nti; bwe yakebera emirambo yalaba nti bataano ku bantu abo abaafiira e Nnaakulabye baafa biwundu by'amasasi agaakubwa okuva mu mmundu .303. Teyasanga ssasi n'erimu mu mubiri gw'omuntu, kubanga gonna gayitangamu ne gagwa ebweru; ekitegeeza nti emmundu ezaabakuba nga zikubirwa kumpi nnyo. Naye ebiwundu bye yasanga ku muntu w'omukaaga ayitibwa Mayanja, yalowooza nti byamutuusibwako lwa kusambibwa oba baamukuba bukubi n'ekintu ekitalina bwoogi. Wabula byo ebiwundu ebyali mu kyenyi kiyinzika okuba nga byali bya mmundu.

Omu ku bantu b'e Nnaakulabye yalonda ekisosonkole ky'essasi No. 303 n'akitwalira Buganda poliisi era ne bakiragayo nga kizibiti. Abapolisi abamu abaali mu kasambattuko e Nakulabye baawa obujulzi nti abantu baali bagenda kubatta nga bababkuba amayinja; naye ate abantu abaasukka mu makumi ana (40), nga batuuze b'e Nakulabye, abaawa obujulizi, beeganira ddala nti waliwo n'ejjinja erimu eryakasukirwa abaserikale. Wabula baalumiriza nti abaserikale be baagendanga bamenya enzigi z'abantu ne babagyamu, ne babakuba era ne bayimiriza n'emmotoka n'ab'ebigere abamu ku bo nga babattira ddala.Pulida eyaliwo ku lwa Buganda, Paul Jayarajan, oluvannyuma yagamba nti aba polisi abaakuba amasasi ne mukama wabwe eyabaleeta e Nakulabye, be basaanira okuba n'obuvunaanyizibwa olw'abo abaakubwa n'abaafiira e Nakulabye ku lunaku olwo olw'akasambattuko. Omulamuzi alipoota ye yagikwasa ab'obuyinza mu gavumenti eya wakati naye tewali kitegeerekeka kyakolwa okusinga ku kugiwandiika. Ebyo byakoma awo.

## ABAYIZI B'EKISUBI BAFIIRA MU KABENJE

Abantu ba Buganda baba bakyali mu ntengero y'ebyagwa e Nakulabye, ate ne bagwamu ensasagge y'abaana kkumi na babiri (12) aba St.Mary's College, Kisubi, mmotoka y'amaggye bwe yatomera loore yabwe mwe baali nga bava okusamba omupiira ne bafiirawo n'abalala bangi ne bagendera ku bisago eby'amaanyi ennyo. Ssaabasajja Kabaka n'Obuganda bwonna bwanyolwa nnyo olw'akabenje kano.



## GAVUMENTI YA KINTU EREKULIRA

Nga 11, November 1964, Omumyuka wa Speaker w'Olukiiko lwa Buganda, Sheikh Ali Kulumba yayitibwa bukubirire mu office ya Kabaka n'afuna obubaka nga Kabaka yali akkirizza okulekulira kwa Katikkiro Kintu ne Gavumenti ye. Waayita olunaku lumu Speaker n'ayita Olukiiko okulonda amannya omulondebwa Katikkiro ng'enkola bwe yali. Gano ge mannya agaawerezebwa Kabaka alondemu Katikkiro: ***J.S.Mayanja Nkangi, Sepiriya Masembe Kabali, Eridaadi M.K.Muliira ne C.M.Sekkuuma Kisosonkole.*** Oluvannyuma Muliira yaggyayo erinnya lye olwo ne wasigala amannya asatu, Ssaabasajja mwe yalonda erya ***Mayanja Nkangi*** n'amuwa Obwakatikkiro. Mayanja Nkangi yali aweza emyaka 34 egy'obukulu okulya Obwakatikkiro. Ye muvubuka omuyigirize ennyo eyasooka okulya obukulu obwo ate ye Muganda eyasooka okulya Obwakatikkiro nga muwuulu, atannawasa. Nga tannakwasibwa Ddamula, Olukiiko lwalonda amannya 15 Katikkiro mwe yali ow'okulonga abantu 6 okufuuka Baminisita.

## MAYANJA NKANGI AKWASIBWA DDAMULA



*Mayanja Nkangi*

Omukolo ogw'okukwasa Katikkiro omuggya ddamula, ogwali gumaze kumpi emyaka mwenda Kintu gye yamala ku Bwakatikkiro, nga tegubaddewo, Ssaabasajja yagukolera mu Lubiri wabweru wa Bulange Enkadde, olwegulo nga November 20, 1964 wakati mu nnamungi w'abantu. Mayanja Nkangi nga bamaze okumukwasa Ddamula yagenda butalaba mabega nga bw'akutte omuggo ogwo n'emikon gyombi okutuusa lwe yaguyingiza e Butikkiro n'agutereka mu kifo ekyekusifu. Mayanja Nkangi ye Katikkiro ow'omukaaga ku abo Kabaka Muteesa II be yafuga nabo era ye yali ow'enkomerero.

Gavumenti ye empya, Mayanja Nkangi, yagirangirira ku lwomukaaga nga November 21,1964. Ku lwa November 23, 1964 Ssaabasajja Kabaka Muteesa II yalabika mu Lukiiko mu Bulange Empya, Mayanja Nkangi n'akolawo ekitaali kya bulijjo ku mukolo ogwo ogw'okwanjula abaami. Yayogera eri abantu abangi ennyo abaaliwo, nti yali ky'ajje atuuke n'awulira omuntu omu ng'agamba omu ku Baminisita be nti: ***"Mugudde mu bintu!"*** Kwe kunnyonnyola n'agamba nti: ***"Oba nga abaami babalonda kukolera ggwanga ate bo ne balowooleza mu kufuna bufunyi nsimbi na bintu, omwoyo ogwo mubi nnyo".*** Ng'akyukidde Kabaka, kwe kumutegeeza nti: ***"Ffe Ssaabasajja otuyise era tuzze kukuweereza. Tulina obuvunaanyizibwa gy'oli ne Gavumenti yo wamu n'abantu bo. Tuyise mu buzibu okutuuka wano, tetuli bafuzi wabula tuli bakulembeze."***


Ng'amaze okwogera ebyo, era nga buli muntu asirikiridde, Katikkiro n'alyoka atandika okwanjula basajjabe kinoomu eri Ssaabasajja Kabaka.

## BAMINISITA BEYANZA

Yasookera ku **A.D. Lubowa**, n'amwanjula eri Kabaka okuba Minisita w'Eby'Amateeka (Omulamuzi), ate **Saulo S. Lubega** okuba Omuwanika, **Efulaimu H. Kamaanyi** okuba Minisita wa Natural Resources, **Mahamood Ntege Lubwama**, yeyanza bwa Minisita w'Eby'enjigiriza, **Francis Walugembe**, ono Ssaabasajja yamuwa kuba Minisita wa Local Governments, **Dr. Kisekka yeeyanza** okuba Minisita w'Eby'obulamu n'Emirimu. Bw'etyo tiimu ya Mayanja Nkangi bwe yali. Yalabika nga yali ya maanyi era Kabaka n'abantu b'e Buganda nga bagirinamu



essuubi ddene. Naye eky'enaku yali tejja kulwawo nnyo. Anti baabalonda November 1964 ne bakolako omwaka omulamba gumu gwokka.



Baminisita ba Kabaka

## AMAZAALIBWA GA KABAKA 1964

Kabaka Muteesa II lwe yawerezaako emyaka 40 lwaliwo ku November 19, 1964 kyokka lwasanga ng'abantu ba Buganda bali mu kiwuubaalo n'okwekubagiza olw'amasaza agaali gakazzibwa e Bunyoro; ate teekako ekikangabwa ky'okufiirwa abantu e Nakulabye n'abaana b'essomero ly'e Kisubi abaali bakafiira mu kabenje ka mmotoka ku luguudo lw'e Ntebe! Ku lunaku olwo waaliwo okusaba kw'okwebaza mu Kkanisa Lutikko e Namirembe, naye emikolo egisinga obungi egitera okubeerawo ku mazaalibwa tegyaliwo. Mu kiseera eky'enkya waaliwo okusoma okw'okusinza ate olw'eggulo ne wabeerawo omupiira ogw'empaka e Wankulukuku wakati wa Kibuli Teachers T raining College ne Tiimu ya Mutungo.

Mu bubaka obuwandiike Omutanda bwe yaweereza abantu be ku lunaku olwo olw'amazaalibwa ge, yabasaba okukola ennyo n'amaanyi bwe batyo basobole okuvvuunuka mu mirembe ebizibu ebyaaliwo mu kiseera ekyo. Ku mazaalibwa ago, Ssaabasajja yalagira abasibe 26 abaali mu makomera